
Abayimbi

Posted by rambuka - 2008/08/19 21:22

uganda----artists-----are they-----commerical----today---connectuganda the best tommorow---radio uganda america you are the best, the other day karibufm you are great-----are you opportunities-----anyway thanks for the good music on connectuganda.com

=====

Re:Abayimbi

Posted by JeenaJulia - 2008/09/18 13:35

Mutuwagire naffe tubeewo

NZE Shamim Namugambe mbeera mu Kampala. Nkyali muyimbi muto nga nze yayimba 'Saagala amugambako'.

NNEENYUMIRIZA mu kitone kyange wabula nsaba muwagire nnyo abayimbi abato naffe tutuuke ku ttutummu ng'abalala.

NKUBIRIZA buli muntu obutalera ngalo. <http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/shammy.jpg>

WUYO SHAMMY ABAGAMBAkonna saagala amugambako omwana oyo....sagala sagala nze...nebigenderako.

=====

Re:Abayimbi

Posted by JeenaJulia - 2008/10/03 10:23

THE LATE PAUL KAFEERO. Being one of my favourite artists simanyi kyakwogera nakyakuleka naye mbadde mpuliliza akayimba akamu kubweyasebaya okutuyiyiza nendabila dala nga ono omwana yali musomesa omutendeke mubatendeke. Mike tufunile kukayimba ka prince ono kebayita "YIGI YIGI" ela nga bwagamba kunkomerelo nti endongo bwevuga ojanga noweweza ku bilowozo, tukole nga ekyo kyenini nga endongo evuze ku Connect Uganda. Awumule mirembe Paulo.

=====

Re:Abayimbi

Posted by JeenaJulia - 2008/10/05 09:34

Chameleone survives death, injures limbs

Local music star, Jose Chameleone a.k.a Joseph Mayanja last Friday night, survived death narrowly when he sleepwalked through the window of his hotel room on the third floor of Impala Hotel in Arusha.

Chameleone who had traveled to Tanzania for weekend music shows in Arusha and Tanga; broke both lower bones of his legs.

'He got injuries on the lower legs; it is a crash fracture of calcenus bones of both legs,' explained Kenneth Obwot, a doctor who airlifted him from Kilimajaro Airport.

Obwot said that Chameleone walked up from his dreams and went through the windows. The singer was alone in the room and the door remained closed. He landed from the third floor of Impala Hotel in Arusha, Tanzania, but was lucky; he had no other injuries apart from the bone fractures.

Chameleone says he went safely to his hotel room after his music show; changed clothes to boxers and slept. But he was shocked to find himself surrounded by people hours later; others were calling him a thief! He was in pain; but one of the onlookers identified him and rushed to call promoters who taken him to Tanzaina.

As soon as the promoters arrived; they rushed him to Arusha Hospital; where he immediately contacted his wife to charter a plane which airlifted him from Kilimajaro Airport to Entebbe International Airport. He was admitted to Nsabya Hospital at 10:00pm on Saturday.

He is a feather weight man, who is always exercising; it helped him if it was somebody else who does not exercise he would dead.

KINNO TEKIBE KITAMBO????Mhhhhhhhhhh:dry: :dry:

Re:Abayimbi

Posted by kapakiti - 2008/10/05 16:52

Bino bituufu oba bilimbo bya kanyeerezi? Kuba lumu omukyala yaloota ng'atambula nafuluma gye yasanga omusajja eyamusendasenda namukwakkulako ekya mikayiri kakano kumakya bwe yazuukuka ne yesanga nga baamumegenyeyza yamuggulako omusango nti yamukaka bukasi wano we mbuuliza nti omukyala yali mutuufu okuwawabira omwami ono? Ddala ddala abantu baloota ne batuuka ku bibambulira nga bino?

Re:Abayimbi

Posted by JeenaJulia - 2008/10/10 15:37

Chameleone Undergoes Surgery

Crooked singer Jose Chameleone situation seems to be getting worse by the day. Last night, the Ba Yuda Tuyita Naabo singer underwent surgery as his situation deteriorated.

"He feels pain in every part of his body. It is really bad," a very close pal told us. We hear he is arms are now tightly tied as he seems to have developed a mental problem.

"He never gets off his phone. He keeps calling anyone in his phonebook and just laughs. He doesn't say anything, a pal told us.

Chameleone who claims to have sleep-walked from his hotel room in Tanzania on Friday night is admitted in Nsambya Hospital.

TWONGELEMU ESSALA OMWANA WATTU AWONE,AKOMEWO ATUKUBILE EMIZIKI.

Re:Abayimbi

Posted by jameerah - 2008/10/10 18:03

Bannange eno tebe attempted murder? How could this happen_:dry: JeenaJulia wrote:
Chameleone survives death, injures limbs

Local music star, Jose Chameleone a.k.a Joseph Mayanja last Friday night, survived death narrowly when he sleepwalked through the window of his hotel room on the third floor of Impala Hotel in Arusha.

Chameleone who had traveled to Tanzania for weekend music shows in Arusha and Tanga; broke both lower bones of his legs.

'He got injuries on the lower legs; it is a crash fracture of calcenus bones of both legs,' explained Kenneth Obwot, a doctor who airlifted him from Kilimajaro Airport.

Obwot said that Chameleone walked up from his dreams and went through the windows. The singer was alone in the room and the door remained closed. He landed from the third floor of Impala Hotel in Arusha, Tanzania, but was lucky; he had no other injuries apart from the bone fractures.

Chameleone says he went safely to his hotel room after his music show; changed clothes to boxers and slept. But he was shocked to find himself surrounded by people hours later; others were calling him a thief! He was in pain; but one of

the onlookers identified him and rushed to call promoters who taken him to Tanzaina.

As soon as the promoters arrived; they rushed him to Arusha Hospital; where he immediately contacted his wife to charter a plane which airlifted him from Kilimajaro Airport to Entebbe International Airport. He was admitted to Nsabya Hospital at 10:00pm on Saturday.

He is a feather weight man, who is always exercising; it helped him if it was somebody else who does not exercise he would dead.

KINNO TEKIBE KITAMBO????Mhhhhhhhhhh:dry: :dry:

Re:Abayimbi

Posted by JeenaJulia - 2008/10/17 09:41

Chameleone- Oluvudde mu ddwaaliro ne bamukweka

Chameleone

Bya Musasi waffe

OMUYIMBI Jose Chameleone olwavudde mu ddwaaliro e Nsambya gy'abadde aijanjabirwa, ne bamukweka. Abasawo baamusiiбудde ku Lwomukaaga ne bamugamba agende awummule kyokka mu maka ge e Sseguku talinnyeyo n'agenda mu kifo ekikyali eky'ekyama.

Abawagizi be ababadde bamunoonyeza e Sseguku kyababuuseeko nga taliyo.

Chameleone abadde aijanjabirwa mu ddwaaliro e Nsambya oluvannyuma lw'okuva ku kalina mu wooteeri ya Impala mu kibuga Arusha e Tanzania.

Abantu abateeberezebwa okusukka mu 200 be baamukyalidde e Nsambya mu woodi ya Madhivani ekyawalirizza n'abasawo okumuwa akafo ebweru abagenyi we babadde bamubuulizaako.

Kino kiteeberezebwa okuba nga kye kyagaanyi Jose okudda mu maka ge ng'abantu bayinza okumuyitirako obungi ate ng'abasawo baamugambye nti akyetaaga okuwummula ennyo. Kye yavudde asalawo okugenda abantu gye batamanyi, n'aggyako essimu ye n'eya mukyala we, Daniella akwali nnakawere kyokka nga y'amujjanjaba.

Ng'oggyeeko eky'akabenje ako, Chameleone azze afuna ebizibu eby'enjawulo mu bulamu bwe omuli okulwana entalo ez'enjawulo ne bayimbi banne n'ebirala.

Omuwandiisi waffe anokoddeyo ebimu ku byo era bye bino: Omwaka oguwedde, Chameleone yali avuga mmutoka ye ey'ekika kya Super Custom n'atomeragana ne muyimbi munne Bobi Wine era omusango guno gwaggweera ku poliisi ya Jinja Road.

Wabula buli omu yali anenya munne nti ye yamutomedde. Mu 2005 Jose, Bebe Cool ne Bobi Wine baalwanira mu Angenoir. Kw'olwo Chameleone yagamba nti Bobi Wine ye yatandika olutalo bwe yasanga Chameleone ng'azannya 'ppuulu' n'amukuba ekikonde.

Ye Bebe Cool olutalo yaluyingiramu ng'agenze kubataasa ne bamusala akambe. Chameleone agamba nti omuvubuka ayitibwa Isa eyali amukuuma ye yakuba Bebe Cool ekikonde n'ensambaggere naye teyamusala kambe.

Mu mwaka gwe gumu, Chameleone ne Bobi Wine baali ku Resort Beach e Ntebe mu kivvulu, abategesi ne bayita Bobi Wine ayimbe n'agaana okujja ku siteegi ng'ayagala Chameleone asooke ayimbe. Abategesi baasalawo Chameleone y'aba asebayo kyokka Bobi n'agaana.

Chameleone yatandika okuyimba n'ayimbako ennyimba bbiri, Bobi Wine n'alinyanya ku siteegi n'asika akazindaalo olutalo ne lubalukawo.

Mu ntalo zino wakati, Chameleone abaddewo n'abayimbi abalala b'atendeka nga bwe bamuddukako. Muno mwe muli Chagga eyeewaggula n'ayimba n'ennyimba ezimukoona era naye n'azza omuliro.

Mu nnyimba ze yayimba ezikoona abantu nga bano mulimu 'Gw'oyamba oyola mbwa kukuluma nteega, olwali lukoona Chaga. Mu 2003 yayimba Nneekolera mmaali ng'adda mu Bebe Cool ne Bobi Wine abaali bamuyimbyemu oluyimba lwa Funtula nga bamulangira okwagala omukazi omukadde Dorotia.

Mu kulonda kwa 2006, Chameleone ne Bebe Cool baddamu okukolagana kyokka ne baawukana nga ba bigwo mu 2007, kwe kugamba enkolagana yali ya mwaka gumu.

Jjo lyabalamu nga Chaga adding'anye ne Chameleone, muto we, Weasle ne Moze bamwewagguddeko era kati bayimba bokka. Katusuubire nti tebaatuuke eyo ne birema ne bakuba enkyukira nga Chagga.

Wadde biri bityo, abantu balaze Jose omukwano nga bonna bamulambudde, mu ddwaaliro awatali kusosola nti ono mulabe we.

OKUTWALIZA AWAMU,OMUYIMBI ONO CHAMELEON SIMUNTU MUKYAMU NYOO NGA AMAWULIRE
BWEGALAGA,NZE BWENETEGELEZA KUBINNO WANNO NDABA NGA OMWANA ONO MUNTU WA BANTU,NAYE
ABAMUSONJA BEBAMUFULA NAYE NABALAGA KYALINAWO.

=====